

02nd April 2017.

OKUSABA OKUWANGUZI. II.

(Victorious Prayer. II).

Danyeri 6:6-13.

Omulundi ogwaggwa twaalaba okulondwa kwa Danyeri okuba ow'enkizo ku ba Katikkiro be Babulooni kaakano eryaali ettwaale ly'Abameedi n'Apaperusi, olw'okuba n'omwooyo w'obutuukirivu emyaka gy'obuweereza bwe bwonna egyaali gisoba mu nsanvu. Ekyaamusobozesebwa obumalirivu bwe obuteeyononesha, obutekkiriranya na bya butali butuukirivu mu buli ngeri, nga bwe gwaali omusingi gw'okusaba okuwanguzi, kwe tuli mu kuyiga ku bulamu bwa Danyeri mu ssuula eno, obulagwa ng'embala y'obulamu bwe bwonna okuva mu buvubuka okutuukira ddala mu bukadde bwe, era nga bwe tuly'eyongera okulaba mu sssula ey'omwenda.

Twakakasa amazima ga Yakobo 5:16b, olutugamba nti "Okusaba n'omutima omumalirivu ogw'omuntu omutuukirivu, kubeera n'obuyinza bungu, era n'ebivaamu biba bya ttendo." Era mu kweyongerayo kwaffe okuyigira ku Danyeri "Okusaba Okuwanguzi", kubanga ky'ekitukolera ffena abakkiriza mu Mukama Katonda w'eggulu n'ensi, leero tunaalaba empagi z'okusaba okuwanguzi oluvannyuma lw'okumanya n'okutegeera nti ffena okuba n'okusaba okuwanguzi kitweetaagisa okuba abamalirivu okutambulira mu butuukirivu obusibuka ku mitima gyaffe egitaliimu bukuusa, bukaawu, bukyaayi, malala, bukaba, na byonna ebitaaganye ssaala zaffe kuweesa Mukama kitiibwa ekimugwaanidde. Kubanga by'ebireetera essaala zaffe obutajjuzibwa kukkiriza kuzigwaanidde kuba na maanyi.

Nga bwe twaakiraba ogwaggwa, obulamu obw'obutuukirivu nate busikiriza abasekeeterezi, ab'obugya n'obukyaayi gye tuli, kyokka ekitalina tujja ku mulamwa wabula ottunyweeza ng'akabonero nti ddala tuli ku mulamwa, tusobole okuwangulira ddala mu nsi muno, ku lwa Mukama Katonda waffe.

Nga bwe gwaali eri Danyeri mu bye tubuulirwa mu ssuula eno.

Bwe tweyongerayo okusoma okuva we twaakoma ogwaggwa, okuva ku Inny.

6 -13...zigamba nti.....

Oluvannyuma lw'okubulirwa ddala ensonga yonna eyinza okuvunaanyisa Danyeri wabula ng'ekwata ku tteeka lya Katonda we, baatega Kabaka Daliyo n'etteeka eritaalina ngasi n'akamu.... Teebereza okuba nga omuntu obuntu ye yali nga Mukama Katonda kamala byonna okumala ennaku 30, nti buli omu alina kusaba ye yekka buli kimu mu bbanga eryo....n'omwana ayagala okulya awaka nga gw'alina okusaba? Ate abo abaagala okumulaba....nabo balina kusaba ye yekka?

Kyokka nga bwe kiri nti etteeka lyali ly'akukwasa Danyeri, naye bwe yalimanya, yakolera ddala ekyo ekimugwaanidde okkola nga kwe kukwatanga amateeka ga Mukama okusinga ag'abantu. Zabbuli 119:1-8 zigamba nti.....

Era ekiyigibwa mw'ekyo kwe kuba nti okusaba okuwanguzi kusobozesebwa buwulize eri amateeka ga Mukama, ekiva mu ggamanya.

Olunny.10....Wadde yamanya ng'etteeka liwandiikiddwa, yalina kkwaata lya Mukama nga bwe kyawandiikibwa mu 1 Bassekabaka 8:44-51 nti.....

Osanga aba kuba ggwe kuluno wandyekweeseeko mu kkabada okusaba, bw'oba ng'oneeyongera okusaba mu mwezi ogwo n'otagamba nti n'asaba ogujja kyokka ate abo abaalabanga Danyeri ng'asaba buli lunaku emirundi esatu, lwe bandikilabye nti kuluno naye apoye, ky'ataasobolera ddala kkola, era nga bwe yali empisa ye bwe yeyongera bwongezi okkola.

Mukkiriza munnange gwe y'empisa yo?

We tulabira ekikulu ekirala ku kusaba okuwanguzi nti kuba kunyiikirivu nnyo.

Nti kuba kumalirivu okunyiikirirwa.

Ky'ekyo ekilabirwa ne ku Mukama waffe Yesu Kristo nti naye yali musabi nnyo, buli kaseera yagendanga ku lusozi okusaba, era ne kisikiriza abayigirizwa ommusaba okubayigiriza okusaba.(

Bakkolosaayi 4:2 lutugamba nti “Munyiikirirenga mu kusaba, nga temuudirira, wabula nga mwebazanga”.

1 Basesalonika 5:17,18 zigamba nti “ Musabenga obutayosa. Mwebazenga olwa buli kintu kyonna,kubanga ekyo Katonda ky'abaagaliza mmwe abali mu Kristo Yesu”.

Ne Danyeri bwatyo yasabanga emirundi esatu nga yeebaza Mukama butaweera nga Dawudi weyakolanga bwe tugambwa mu Zabb. 55:16,17... Akawungeezi, ku makya ne mu ttuntu, mwe yasalawo okweewaayo okkoowolanga Mukama mu kusaba.....

Nga bwe tugambiddwa mu lnny. 13b nti.....

N'olw'ekyo leero tulabye empagi bbiri ez'okusaba okuwanguzi nti okusaba okuwanguzi kusobozesebwa buwulize eri amateeka ga Mukama, ekiva mu ggamanya.

N'ey'okubiri, nti okusaba okuwanguzi kuba kunyiikirivu nnyo.

Oluddako nga Mukama akkirizza tunaalaba emiganyulo gy'okusaba okuwanguzi...